


Ssaabalabirizi Kazimba ng'ayogera addiriddwa Dr. Lubaale owa Busoga, (ku kkono) mu ssuuti yec, Rt. Can. Ssekidde.

# Asabye Gavt. ku misaala gy'abasomesa

Bya MUSASI WAFFE

SSAABALABIRIZI wa Uganda, Dr. Stephen Kazimba Mugalu asabye Gavumenti okwanguya enteekateeka z'okwongeza omusaala gw'abasomesa ba Arts batuukane n'aba ssaayansi.

Yagambye nti, basomesa ng'emitima gyabwe migumu olw'omusaala omulungi, omutindo gw'ebisomesebwa gweyongera.

Obubaka buno yabutisse minisita omubeezi ow'ebyettaka n'amayumba, Persis Namuganza ku mukolo Seroma High School e Mukono gwe baategese okwebaza Katonda olw'abayizi baabwe okukola obulungi.

Omukolo gwetabiddwaako n'Omulabirizi wa Busoga, Polof. Grace Lubaale, abatandisi b'essomero lino, Rt. Col. Can. Robert Ssekidde n'omukyala Dr. Margaret Ssekidde, badayirekita abalala abaakulembeddwa Amelia Kyambadde, abasomesa n'abayizi.

Polof. Lubaale yagambye nti, okwebaza Katonda kikulu kuba akola ebirungi bingi mu bulamu bw'omuntu era yeebazizza Ssekidde olw'okujjukira ebirungi Katonda by'abakoledde. Dr. Kazimba yakubirizza obuteenyooma kuba y'engeri gye basobola okutuuka ku buwanguzi.

Amelia Kyambadde yayanjulidde abagenyi ebyava mu bigezo by'omwaka oguwedde era yeebazizza Katonda olw'okubasobozesa okuyisa abayizi. Namuganza yawadde obweyamo nti, ensonga y'omusaala gw'abasomesa ba Arts zikolwako.